| Essomo 13 | الدرس الثالث عشر |
|---|---|

# Nekyokuna okukkiriza ababaka:

Era kikakata kumukkiriza okukkiriza ababaka mubulamba lamba nemukutematemamu, netukkiriza nti Allah yatuma ababakabe eri abaddube ababaka nga basanyusa ate era nga batiisa era nga bakowooze bakowoola abantu okudda eri amazima nga bwagamba Allah mu Surat Nahil aya 36 nti:
"Agamba Allah nti mazima twatuma mu buli mulembe omubaka akowoole abantu basinze Allah bewale okusinza shayitwan". Era oyo yenna eyabaanukula nabakkiriza yafuna okwesiima nemilembe n'oyo ayabawakanya natabagoberera yayingira mukunyolwa n'okwejjusa.
Era tukkiriza nti okukowoola kwababaka bonna kwali kumu nga bakowoola eri okwawula Allah n'okumwawulira Ibaada nga gwebasinza yekka, okujjako bayawukana mu mateeka gaabwe nakulamula kwabwe, era tukkiriza nti Allah yasukkulumya abamu kubanabwe, era nti abansinga obulungi eri Allah era owenkomerero mubo ye Nabbi waffe Muhammadi SAW nga bwagamba Allah mu Surat Isilail Aya 55 nti:
"Agamba Allah nti mazima twasukkulumya bannabbi abamu kubannabwe". Era nagamba Allah mu Surat Ahzabu aya 40:
Agamba Allah nti era tabangako Muhammad taata w'omu mumwe mumwe abasajja bamwe naye mubaka wa Katonda era ow'enkomerero muba nabbi.
Bwetutyo naabo bannabbi Allah beyatutegeeza amanya gabwe mubo abo abaakakata ngomubaka Muhammadi SAW yayatutegeeza amannya gabwe mukutematemamu tubakkiriza mu buli omu ngayye gamba nga HUHU, HUUDU, SWALEH IBRAHIM nabalala, kudde gyebali neri nabbi waffe okusaasira kwa Allah n'emirembe emijjuvu.

### Kukkiriza olunaku lw'enkomerero:

Mu kukkiriza olunaku lw'enkomerero muyingiramu okukkiriza buli kyonna kyeyatubuulira Allah oba kyeyatubuulira omubaka Muhammadi SAW mwebyo ebinaabaawo oluvanyuma lwokufa gamba nga ebigezo byomuntaana nebibonerezo byamwo, nebyengera byamwo, nebyo ebigenda okubaawo olunaku lwokuyimirira olwa kiyaama n'ebizibu ebigenda okulubaako. Ne Swiraadwa neminzaane n'okusasulwa, n'okugaba (file) ebitabo eri buli muntu nenjawulo mu mbeera zabantu nga mubo mulimu abaliweebwa ebitabo byabwe n'omukono ogwaddyo ate mubeemu abaweebwa ebitabo byabwe n'omukono ogwa kkono nga babiyisa emabega w'emigongo gyabwe, era muno muyongiramu okukkiriza oluzzi lweyatugamba nga lwamuwembwa nabbi waffe Muhammadi SAW era nga bweyagamba nti buli nabbi ajja kuba n'oluzzi. Era muyingiramu okukkiriza nti ejjana n'omuliro n'okulaba kwa bakkiriza omulezi wabwe nokwogera naye nebirala ebitali ebyomwebyo ebyajja mu Qur'an ne mu Sunna zanabbi SAW byonna bya mazima, era nekiba kyatteeka okubikkiriza n'okubikakasa mu ngeri eyo Allah gyeyabitutegezaamu era nagitutegeeza omubaka Muhammadi SAW.

### Okukkiriza okusalawo: Kwa Allah n'okugerakwe

Era nga okusalawo kwa Allah kuno n'okugereka kwe tuzingiramu ebintu bina byebino wammanga;
1. Ekisooka kwekukkiriza nti mazima Allah yamanya kyonna ekyaliwo nekiribeerawo era namanya embeera yabaddube gyebanabeeramu era namanya neriziki yabwe nentuuko zaabwe nemilimo gyaber gyebalikola, nebirala ebitali ebyo mumbeera zabwe tewali kintu kyonna kimwekwesa nga bwagamba mu Surat Tawuba aya 115 nti:
"Agamba nti mazima Katonda kubuli kintu kyonna mu manyi".
2. Ekyokubiri kwekuwandiikakwe: Ebyo byonna byeyagera nti bijja kubeerawo era nga asazeewo kubyonga bwagamba mu Surat Yaasini aya 12 nti:
"Agamba Allah nti buli kintu twakikomekkereza nakukiwandiika mu kitabo kyaffe ekinyonyofu".
3. Nekyokusatu kwekukkiriza nti kyonna kyeyayagala oba kyayagala kyekyabeera, nolwekyo kyayagala kibeera kyatayagadde tekisobola okubeera mubwakabakabwe nga bwagamba mu Suratu Imran aya 4:
"Agamba Allah nti nabwekityo akola Allah ekyo kyonna kyaba ayagadde".
4. Nekyokuba, kwekutondakwe: Allah byonna abiri mukugerakwe kuno nga tebinagwawo. Amakulu nti byonna byeyagera ebyaliwo nebiribaawo Allah yabitonda dda nga bwagamba Allah mu Surat Swaffati aya 96 nti:
"Agamba Allah nti ne Allah yabatonda nebyo byonna byemukola".